# Etteeka erikugira omusajja okukebeza abaana endagabutonde liri mu Palamenti

Bya KIZITO MUSOKE

## Abantu kye bateesa



**Zaidi Mulimira:** Etteeka siriwagira. Bwe mba nnawasa omukyala n'azaala omwana gwe sseekakasa, ndi wa ddembe okumukebeza.



**Saida Nannyunja:** Abakazi benda ate nga bafumbo, abasajja ne balabirira abaana abatali baabwe. Etteeka lyanditumbula obwenzi.



**Abdul Karim Sserwanga:** Gavumenti eyagala kutuggyako buyinza mu maka gaffe. Abakazi bajja kukola ebikyamu bingi singa etteeka liyita.

ETTEEKA erigaana omusajja okukebeza abaana b'awaka endagabutonde (DNA), okuggyako ng'amaze kufuna lukusa okuva mu kkooti, ligguse.

Omubaka Sarah Opendi (Mukazi/Tororo) ye yatutte ebbago ly'etteeka ly'obufumbo mu Palamenti erya The marriage Bill 2024 omuli obuwaayiro obutandise okwogeza abantu ebikankana.

Etteeka ligendererera okutongoza ebika by'obufumbo obwenjawulo, okuwandiisa obufumbo, obuvunaanyizibwa bw'omwami n'omukyala, okukyusa okuva mu kika ekimu eky'obufumbo okudda mu kirala, okugattulula obufumbo n'ensonga endala.

Akatundu 44 ak'etteeka kagaana okukebeza omwana endagabutonde okuggyako nga balina ekiragiro kya kkooti. Abaleeta etteeka bagamba omwana azaaliddwa mu bufumbo alina okutwalibwa nti, wa nnyinimu, ng'okukeberebwa endagabutonde walina okubeerawo ekiragiro kya kkooti.

Singa omuntu alagaanyisa okuwasa munne n'amuyiwa ku ssaawa envannyuma asobola okuvunaanibwa mu kkooti era bwe gumusinga aliwa. Kyokka ebintu by'asasula tebirina kusukka kufiirizibwa kwe yaleese, okusinziira ku katundu 90 (3).

Wadde ng'etteeka likkiriza abafumbo okwawukana naye balina kukikola oluvannyuma nga wayiseewo omwaka mulamba. Kino kikolebwa okwewala embeera y'abayinza okufumbirwa n'ekigendererwa ky'okunyaga ebintu.

Akatundu 87 kagaana omusajja okubanja ebirabo bye watwala ku buko oluvannyuma lw'okufuna obutakkaanya n'omwagalwa wo. Bwe bakuwawaabira ne gukusinga oliwa obukadde 10, okusibwa emyaka esatu oba okukola ebibonerezo byombi.

Etteeka ligaana omusajja n'omukazi okubeera awamu ng'omwami n'omukyala, okubeera n'ebintu eby'awamu, okuzaala abaana n'omukazi okukozesa erinnya lya bba ng'obufumbo bwabwe tebuli mu mateeka. Okweyita omwami n'omukyala kye mutali kiweesa engassi etasukka bukadde 10 oba okusibwa emyaka egitasukka esatu oba ebibonerezo byombi.

Abaagalana ba ddembe okugattibwa mu ssinzizo oba mu kifo kyonna kye baagala, kasita bakakasa nti, omuntu agenda okubagatta alina olukusa.

Enkola y'okukozesa ebifaananyi ng'omuko taliiwo mu kwanjula oba omugole omukyala bigenda kukoma singa etteeka liyisibwa.

Ebbago era lyongera okukugira ebikolwa by'obufumbo bw'ebikukujju era abantu b'ekika kino si baakukkirizibwa kugattibwa mu ggwanga.

Omwami n'omukyala oluvannyuma lw'okugattibwa bajjanga kugabana obuvunaanyizibwa obw'okuweerera abaana, okubalera n'okubalabirira.

Omuntu yenna taagattibwenga na mukyala oba na musajja mufumbo, ng'anaakwatibwa waakusibwa emyaka egitakka wansi w'etaano oba okutanzibwa.

Ebbago likugira okufumbiza omuntu yenna alina ekikyamu ku mutwe, atannaweza myaka 18 era lisazaamu obufumbo bw'omuntu singa kizuulibwa nti, yakakibwa okugattibwa.



Akebera mu kyuma.